# Ababaka bakunyizza aba NIRA ku densite

Bya FRED KAJUBI

ABABAKA ba Palamenti bakunyizza abakungu b'ekitongole kya NIRA olw'okulemwa okugabira abantu densite zaabwe, nga n'abazifunye basooka kuwaayo nguzi.

Bino byabadde mu kakiiko ka Palamenti ak'ebyokwerinda n'ensonga z'omunda ababaka abatuulako bwe baabadde basisinkanye abakungu okuva mu NIRA nga bakulembeddwa agikulira, Rosemary Kisembo.

Kisembo yategeezezza nti baakakubisa densite ezisoba mu bukadde............ nga ku zino obukadde 10 n'ekitundu zisindikiddwa ku disitulikiti ez'enjawulo wabula ku zo, obukadde busatu bwokka ze zaakagabwa.

Ababaka baatadde Kisembo ku nninga annyonnyole lwaki abantu balemeddwa okufuna densite zaabwe ate nga basiiba ku ofiisi z'ekitongole ne bazibizaako obudde ne bagattako nti bangi bavuddeyo ne bategeeza nti abakozi b'ekitongole babasaba enguzi. Baagasseeko nti n'obubaka NIRA bwe yasuubiza okuweereza abantu ku ssimu obulaga nti densite ewedde, abasinga tebabufunanga, ate ababufunye tebulambika wa omuntu w'ateekeddwa kuggya densite ye.

Mu kubaanukula, Kisembo yeegaanyi eky'abakozi b'ekitongole okulya enguzi n'asaba oyo yenna alina obujulizi okubutwala. Yagambye nti, obuzibu buvudde ku kya kuba n'abakozi batono nga n'ebifo mwe bakolera bifunda nnyo, ekivaako abantu okwetuuma ne balwawo okufuna obuweereza.

Yagambye nti, bagenda kuddamu okusindika obubaka ku ssimu eri buli muntu alina densite eyafuluma. Yagasseeko nti, baakugenda mu bitundu eby'enjawulo okutwalira abantu densite kubanga abamu tebalina ssimu kwe bafunira bubaka.

Omubaka Theodore Ssekikubo (Lwemiyaga) yasabye NIRA okussaawo enkola ey'ekikungo ey'okugaba densite.

## EKITONGOLE KIFUNYE TEKINOLOGIYA OMUGGYA

Ekitongole era kitegeezezza bwe kifunye tekinologiya asoma obulungi densite empya nga yatandise okukozesebwa eggulo nga March 31, 2026.

Baategeezezza nti, tekinologiya ono agenda kukozesebwa ku densite empya abamu ze babadde bagamba nti bwe bazitwala mu bifo eby'enjawulo tezisoma, ne bawalirizibwa okukozesa enkadde.



Akulira NIRA, Rosemary Kisembo ng'annyonnyola ababaka. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

Omu ku boogezi ba NIRA, Claire Olama yategeezezza nti ekya densite empya obutasoma kiva ku bitongole ne kkampuni okuli ez'amasimu, bbanka n'endala ezaagaana okugula tekinologiya gwe zaalagirwa akwatagana ne densite empya.